# Ow'emyaka 2 afiiridde mu kidiba e Kira

Bya GODFREY KIGOBERO

ABAZADDE baguddęmu ekyekango, omwana waabwe ow'emyaka ebiri, bw'abebbyeko n'agwa mu kidiba ekikyazimbibwa ku muliraano n'afiiramu.

Ekikangabwa, kigudde mu zooni ya Kira cell mu munisipaali y'e Kira mu Wakiso, omwana omuwala nga mulongo, Elsie Apio , bw'asangiddwa mu kidiba ng'afudde.

Kigambibwa nti ekidiba kino, Kiri ku muliraano mu nnyumba etannaggwa, era nga kisuubirwa nti omwana abadde ne banne nga bazannya, kwe kukigwamu.

Omwogezi wa poliisi mu Kampala, Recheal Kawala, agambye nti, kitaawe David Oki nga Pharmacist, yasoose kutambulamu n'abaana bano bombi abalongo, nti n'abazza awaka ng'aliko gy'agenda, naye kimubuuseeko, maama w'omwana okumukubira essimu, nga basanze omulambo gwe.

Agasseeko nti okubuuliriza, kukyagenda mu maaso, okuzuula oba nga wabaddewo obulagajjavu.